# EKITABO EKY'EBYAFAAYO BY'EKIKA KY'EMPINDI MU BUGANDA

**EKITUNDU EKISOOKA KIKOLEDDWA MAZIGE OMUKULU W'EKIKA KY'EMPINDI AWAMU N'OLUKIIKO LWE OLUFUZI OLW'EKIKA KY'EMPINDI OLWOKUNTIKKO.**




*KIWANDIIKIDDWA O[illegible]NDIISI*
*MU OFFICE Y'EKIKA KY'EMPINDI*
*MU MWAKA 2001.*

## BANO BE BATAKA ABAAKALYA

### OBWA MAZIGE

### OKUVA KU KABAKA KINTU.

1. KATANGAZA
2. WAKAYIBA
3. KITUNGUZI
4. SSEMPEBWA
5. KAKULU
6. MAWULA
7. KIYITAWAGGULU
8. KYESIMBA
9. KYEBAGAMBA
10. BUWAGA
11. KYENDO
12. NKAAKU
13. KOLONDI LUGEYA
14. LUKIIKO
15. SIRYAKIBBE
16. SAMUEL KYAMUKADIYA
17. NASANAYIRI BIDDA
18. SSEEMU KITENDA
19. ROBERT KAWENYERA
20. ROBERT KITENDA



ROBERT KITENDA ONO
YAALIKO KATI.

# ENYANJULA

Ekitabo kino eky'ebyafaayo by'ekika ky'Empindi nga kyekisoose mu byafaa
bya Bazzukulu ba Mazige.
Kiwandiikiddwa n'obwegendereza bungi nnyo era ng'ebyafaayo by'ekika ki
biviiridde ddala wansi mu b'Empya, ab'Ennyiriri, ab'Emituba wamu n'aba
Masiga.

**Bano bebakulembeze:-**

1. Katikkiro w'EKika - Omw. Mukasa Lusambu
2. Omumyuka we - Omw. Yowana Mbogga
3. Omuwandisi - Omw. Nathan Ntabazi
4. Omuwanika - Omw. Kabanda Binayomba
5. Owa Mawulire - Omw. Jombwe Kamya
6. Owa Bakyala - Omuky. Nansumba Kawenja
7. Owa Byamizanyo - Omw. Bosco Nyevu
8. Owa Bavubaka - Omw. Amos Ntabazi Ssajjabbi
9. Owe Byataka - Omw. Francis Nsozi
10. Owe Nkulakulana - Omw. Samuel Ssebadduka
11. Akola guno Naguli - Omw. Sseeguya
12. Omuwi wa Magezi - Omw. Pasikari Ntabazi
13. Obuwangwa ne Nonno - Omuky. Jane Nansumba

**ABAMASIGA**
1. Mbogga Ensumba - Omw. Yowekimu Kikambi
2. Kamyuka Kawenyera - Omw. Scaut Bwabye
3. Kamyuka Mugalu - Omw. Moses Lubanga

**ABABAKA BA MAZIGE MU MASAZA**
1. Butambala - Omw. Hussein Ntabazi
2. Buvuma - Omw. Muyimbwa Kalyandere
3. Kyagwe - Omw. Mabanja Nelson
4. Bulemeezi - Omw. Nsibirwa Kefa
5. Buddu - Rev. Fr. Masira Emmanuel
6. Bugerere - Omw. Ntulume Nkuyege
7. Mawokota - Omw. Muyimbwa Joseph
8. Kyadondo - Omw. Musa Mugalu
9. Ssingo ne Busujju - Omw. Yowana Mbogga.

## EBYAFAAYO BY'EKIKA KY'EMPINDI

Ssekabaka Kintu bweyali ng'ajja mu Buganda yajja ne basajjabe. Mu basajjabe abo Katangaza owe Mpindi mweyajjira. Baatuukira ku mutala Magonga mu Busujju, awo webaakuba Olubiri lwa Ssekabaka Kintu olwasooka. Awo Ssekabaka Kintu nalagira musajjawe Katangaza asenge ku mutala Nalugamba ekiri mu Busujju.

Katangaza ng'ali e Nalugamba gyeyazaalira omwanawe omu yekka Wakayiba. Katangaza bweyafa yaziikibwa ku mutala Nalugamba. Katangaza ng'afudde omwanawe oyo Wakayiba namusikira era nasikira n'Entebe y'obukulu bw'Ekika ky'Empindi.

Wakayiba yazaala abaana 4, Abalenzi 3 n'Omuwala 1 era gano gemannya gaabwe:-

1. Mbogga Omwaana omukulu
2. Kamyuka Mugalu
3. Mugoba
4. Nnakyotiba (muwala)

Ssekabaka Kintu nebasajjabe baava e Magonga mu Busujju nebatuuka mu Ssaza lye Mawokota omwaali olusozi Nsumba Ssekabaka Kintu lweyasiima okuwa musajjawe Wakayiba.

Ssekabaka Kintu n'abasajjabe beyongera okusenvula nebatuuka mu Busiro Ssekabaka Kintu gyeyasiimira ekyaalo Muyenje okukiwa musajjawe Wakayiba.

Oluvanyuma Wakayiba yasindika omwanawe omukulu Mbogga addeyo akuume olusozi Nsumba oluli mu Mawokota agaali gafuuse amakage.

Wakayiba yatuuka e Muyenje nezadderye lyonna. Mugalu ng'akuze yasalawo okugenda okusenga e Bbembe mu Busiro, eyo gyeyava okudda okusikira Kitaawe ng'amuwadde obusika e Muyenje.

Wakayiba bweyafa yazzibwaayo naaziikibwa e Nalugamba ku Kitaawe. Naye Wakayiba bweyali nga tannafa, ku mulembe gwa Ssekabaka Chwa Nnabakka Omulangira Kalemera eyazza omusango ku Katikkiro Walusimbi bweyamuwawaabira ewa Ssekabaka Chwa nti yayagala mukaziwe, omusango gwamusinga nalagirwa okuliwa olufubanja.

Omulangira Kalemera yalina okugenda ewa Kitaawe omuto e Bunyoro afuneyo ebintu eby'okutanga. Abataka baateesa buli Kika kirondeyo omuntu omu anaawerekera Omulangira e Bunyoro; era bano wammanga be bantu abasiigibwayo e Bika byabwe:-

1. EMPINDI: Omukulu w'Ekika Wakayiba yasiigayo muzzukuluwe Kitunguzi eyali azaalibwa omwanawe Mugoba - kati ngaye Kamyuka Kawenyera e Kiri nga yemwaana ow'okusatu ku balenzi owa Wakayiba nga bwekiri waggulu.

2. ENKIMA: Omukulu w'Ekika ekyo yasiigayo Mulegeya Katumba era ono yeyakulembera ababaka bonna abaava mu Bika byonna abaatwala Omulangira Bunyoro.

3. ENGEYE: Omukulu w'Ekika ekyo yasiigayo Sebatta.

Ababaka bano bwebatuusa Omulangira e Bunyoro, baasuzibwa mu Kisaakaate omw Kaddu-Lubaale Wanyana ow'Enseenene, ate Omulangira Kalemera nazza omusa bweyasooberera Wanyana namufunyisa olubuto era nazaala Omulangira, Mulege Katumba eyakulembera ababaka gweyatuuma erinnya KIMERA.

Mu kiseera ekyo Omulangira weyazaalirwa ne Mulegeya - Katumba mukaz weyaazaalira Omwana naye gweyatuuma erinnya erya Katumba. Era Katumba yayonse ku bbeere limu n'Omulangira nga gemagezi agaasalibwa Mulegeya olw'okukuu Omulangira KIMERA okumuwonya okumutta.

## OMULANGIRA KALEMERA AKOMAWO E BUGANDA

Mu kiseera kino obubaka bwaava e Buganda nga butegeeza ng'Omulangira Kalem bweyali yetaagibwa e Buganda alye Engoma kubanga Kitaawe yali akisizza omuko Olw'okubanga Mulegeya yali mu kukukuta n'Omulangira KIMERA ne bannakawere abab kyeyava alonda KITUNGUZI ow'Empindi ne yaaba akulembera banne n'Omulang Kalemera badde e Buganda era bwegwaali.

Eky'omukisa omubi Omulangira yakisa omukono teyatuuka Buganda. Kyokka Kitung nebanne baakola eky'obuzira nebajja babikira Obuganda era nebawa amawulire amalu ntinewankubadde Omulangira Kalemera yakisa omukono mu kkubo naye e Bunyoro y amaze okuzaalayo Omulangira, Mulegeya - Mutumba gweyali amaze okutuuma erinn erya KIMERA.

Wano ate Obuganda bwaatuma Kitunguzi ow'Empindi addeyo e Bunyoro alee Omulangira gweyategeeza Obuganda.

Kitunguzi bweyaddayo e Bunyoro yeyanjula mu Lubiri ewa Ssekabaka Winyi yawaa obubaka obwamutumwa ng'Obuganda bwasaba abuweereze Omulangira wa Bugan KIMERA eyali e Bunyoro mu Bwakabakabwe.

Ssekabaka Winyi yakola enteekateeka eyali ennungi ennyo. Yakwaasa Kitunguzi en 200 (Bibiri) wamu n'emitwalo gy'Enzige 500 nga bino byebyali eby'okulabiri Omulangira omuto okuva e Bunyoro okutuuka e Buganda.

Mu lugendo olwo abaali bawerekera Omulangira omuto KIMERA webapaatikira ku Kitunguzi erinnya MAZIGE kubanga yeyalinanga Enzige Omulangira zeyalyangako ng'enjala emuluma wamu n'Amata agalamulwanga mu Nte ezaamukwasibwa Ssekabaka Winyi.

Okuva mu kiseera ekyo erinnya Mazige lyajja mu Kika ky'Empindi naye nga sirya ba Mpindi kuva dda ppaatiikemu bupaatiisi.

Bwatyo Kitunguzi ow'Empindi ku luno Katonda namuwa omukisa natuusa Omulangira e Buganda naalya Engoma.

Wabula mu kiseera ekyo waaliwo katemba kubanga Kitunguzi bweyatuusa Omulangira Kimera e Buganda baatumira Ssebwaana eyali akuuma Obuganda eky'okuzza Omulangira okusikira Nnamulondo ekyo teyakyagala kubanga yali agyegwanyiza, Ssebwaana yatuma ababaka okugenda eri Omulangira bamutte era Ssebwaana yalaba tebazze kwekutuma abalala kyokka nabo Nakku nabayisaamu olukwe baleme kudda.

Ssebwaana yalaba nabo tebadda kwekwesitukira awo Nakku bweyalaba Ssebwaana agenze, Nakku kwekutuma ababaka baleete Omulangira Kimera bwebaamuleeta naatuuzibwa ku Nnamulondo, Mujaguzo neevuga. Ssebwaana yagenda okuwulira nga Mujaguzo evuga, teyadda. awo wewaava Nakku owe Ffumbe okuba Omukyala ow'ennono mu Bwakabaka bwa Buganda - Singa teyali yye Obwakabaka bwaali musaanawo.

Ssekabaka Kimera bweyamala okutuula ku Nnamulondo yasanyuka nnyo era kyeyava awa Kitunguzi ow'Empindi omulimu gw'okulunda Ente "<u>MBULIDDE</u>" oba Kasowerasowera, era okusinziira ku kusanyuka kweyasanyuka olw'omulimu omunene Kitunguzi gweyakola ogw'okumulabirira obulungi ye n'Ente ze Ssekabaka Winyi zeyamuwa, okuva e Bunyoro okutuuka okulya Engoma e Buganda.

Okuva olwo ab'Empindi netufuna omulimu gw'obulunzi mu Lubiri nga gukolebwa abava mu Ssiga lya Kamyuka Kawenyera e Kiringo.

Ss'ekyo kyokka naye era Ssekabaka Kimera teyakoma awo yeyongera naawa Kitunguzi obutaka obuwerera ddala mayiro 1 e Muyenje - Busiro; era Kabaka bwaaba atuuzibwa ku Nnamulondo Mazige akama Amata nagassa mu Kyanzi nagatwalira Kabaka namugamba nti nnunda Ente Mbulidde Ssekabaka Kimera gyeyanywangamu amata, Kabaka nalasa ku Kyanzi ekyo.

Ku mulembe gwa Ssekabaka Mawanda wagwaawo olutalo mu Bukunja ng'omunyoro Namunyonjo bweyajja ng'alwaana nanyaga ebitundu by'obwakabaka bwa Buganda. Ssekabaka Mawanda kyeyava ayungula eggye lyeyakwaasa Mugalu omukulu w'Ekika ky'Empindi alwanyise Omunyoro oyo.

Mugalu yakekeza ennyago bwati:-

Kamyuka Mugalu ng'amaze okuwera mu maaso ga Ssekabaka Mawanda, yasitula nga bali ne mugandawe Kamyuka Mugoba kko ne Mukusu omwaana wa Mbogga nabalala bangi ddala. Baatambula bwebati:-

Bwebaasimbula olugendo lwabwe okuva e Bbembe ne Namakata mu Busiro baasula Kalume; bwe baava awo ate baasula mu Lumuli nebalekawo Omutaka Ssebadduka; bwebaava awo baasula Nakisunga awo nebalekawo Mukusu omwana wa Mbogga, bwe baava awo baasula Nyemerwa awo baasangawo Omutaka Mubiru.

Bwebaava e Nyemerwa awo nebayolekera ekibondo ky'omulabe olwo ennyago nezikekera, ng'olutalo lutuuse e Ssi, Kamyuka Mugalu yalina musajjawe e Bukunja ow'Endiga yamuleka awo ng'akuuma abanyoro abayitanga ku myalo egiri okumpi awo kyokka abalabe baamusinza amaanyi nebamutta era akasozi kwebaamuttira kayitibwa Bukunja kaaba Ndiga.

Oluvanyuma lw'okulinnya omulabe ku nfeete, Kamyuka Mugalu olutalo yaluwangula omulabe yaddukira e Bugerere - Busoga.

Mugalu yatuula wansi w'omuti omuwafu kakaati gwebayita Kiwummulo, Ssekabaka Mawanda eyagobereranga mu lutaabaalo luno ng'ali ku Nnyanja, yamusisinkana awo namugamba ebigambo bino:-

" Oli muzira nnyo, bwatyo Ssekabaka Mawanda bweyasiima n'okusanyuka yasalawo okwebaza Mugalu - yamuwa Effumu ery'Olutabaalo namugamba nti toddangayo kufumita muntu, onofumitanga Nte, nanaanula AMAGOTTO N'EBIKOMO kumaguluge nabimunaanika era naamuwa entamivu zimuvugirenga nebitiibwa ebirala. Naamukuutira obutaddayo kumulabako, naamutuuma erinnya Ssemulema atatambula, era namuwa ekitiibwa eky'okuba Omumyukawe - naamuwa Obulangira namulagira obutamutaabalanga n'obutaddayo kumulabako".

Oluvanyuma yamusaba okumuwa Omubakawe anatuulanga mu Lukiiko olw'Ab'obusolya era nga yanaamuddizanga amawulire ye ng'ali mu mbugaye eri mu mayiroye e Bukunja - Kyaggwe, Ssekabaka oyo gyeyamuwa ng'ekirabokye eky'okumusiima.

Kamyuka Mugalu kwekulonda mugandawe Mugoba nga gwanaatumanga okutwala amakula n'Abazaana n'Abasiige, Ssekabaka Mawanda kwekumutuuma Kawenyera awenyere ng'atwaala amakula aga Ssemulema atatambula.

Okuva olwo erinnya eryo Kawenyera nerikala mu kifo kyerya Mugoba. Kamyuka Mugalu ng'amaze okukkalira yaleegesa Engoma evuga bweti:-

*Ssamba Eggotto, Kamyuka asamba lirye*: ekitegeeza nti Kabaka bwaaba asamba Eggotto nga ne Kamyuka Mugalu asamba Eggotto.

Omubala gwaffe gwaali guvuga nti: *Mbadde ngaleeta ennyana egasambye.*

Kaakati guvuga bweguti:

*Ssamba Eggotto ne Kamyuka asamba eririye - byazika - byazika Obukunja bwazika.*

Ettutumu lya Kamyuka Mugalu lyali ddene nnyo okutuuka ku Ssekabaka Ssuuna II, ab'Empindi bwebetemerera okuzaala Ssekabaka Ssuuna, songa abe Mmamba bebaali bamuzaala, byajja bwebiti:-

Abe Mmamba ab'omukago bazza omusango ku Ssekabaka Kamaanya bwebatabaala Omulangira Jjuuko eyali ayagala okuggyako Kabaka ate eky'ennyamiza naalagira bonna battibwe okuwonya obulamu, abe Mmamba mu Ssiga lya Katenda e Zziba badduka nebekweeka eri ab'omukago ab'Empindi.

Kino ate kyekyaviiramu ab'Empindi nabo Ssekabaka Ssuuna okulagira babatte kubanga betemerera okumuzaala kubanga Kamyuka Mugalu bweyabanga awereeza Abazaana era Kabaka Kamyuka Kawenyera beyapakiranga mu lyaato Mulyambuzi nabatuusa e Munyonyo nga nab'Emmamba ab'omukago yabatwalirangamu kubanga mu kiseera ekyo kyabanga kizibu okubaawulamu mwabo beyatwalanga mwemwaali ne Kanyange owe Mmamba eyazaala Omulangira Ssuuna, oluvanyuma eyalya obwa Kabaka.

Abe Mpindi twesunako olw'okuzaala Kabaka nab'Emmamba nabo baajaganya anti nga bagamba nti ozayisanga notofiisa - kwekweevaamu nebategeeza Ssekabaka Ssuuna ng'abo ab'Emmamba bebaamuzaala sso ssi ba Mpindi anti olwo baali tebalina kyebatya anti ne Kabaka eyali abalagidde okubatta yali amaze okukisa omukono.

Ekyo kyanyiiza nnyo Ssekabaka Ssuuna okukitegeera nti ab'Empindi sibebamuzaala, olwo naalagira ab'Empindi bonna babatte.

Olw'okubanga Ssekabaka Ssuuna teyamanya era teyafaayo kw'ebyo byonna Kawenyera byeyakola abe Mpindi bangi badduka nebabuna emiwabo, abamu baddukira Busoga, Samya-Bugwe, Bugisu n'ebitundu ebirala ebyetoloodde ennyanja Nnlubaale, era kati abamu baakadda kubutaka bwaabwe.

Ekyaalo Nnambetta ekyaali kigudde akaleka - kyaazika, era Kamyuka Mugalu Ssemulema engomaye kwekugyongeramu ekisoko nti NAMBETTA BYAZIKA.

Kamyuka Mugalu Ssemulema yakola nnyo okuliwa olufubanja (Omusango) yayitaayita mu Kika nakungaanya abawala 90 naabawa Kamyuka Kawenyera naabapakira mu lyaato Mulyambuzi nagenda aliwa Omusango.

Buno bwebusika n'Obukulu bw'Ekika ky'Empindi okuva ku Ssekabaka Kato - Kintu

KINTU

1. Katangaaza
2. Wakayiba
3. Mugalu

Ekika ky'Empindi kirina Amasiga (3) gokka era geegano wammanga:-

1. Essiga lya Mbogga e Nsumba - Mawokota
2. Essiga lya Kamyuka Mugalu e Ggunda - Kyaggwe
3. Essiga lya Kamyuka Kawenyera e Kiringo - Kyaggwe

Amasiga ago waggulu bano wammanga bebagakulembera:

(a) Essiga lya Mbogga - Alikuuma ye Omutaka Yowakimu Kikambi
(b) Essiga lya Kamyuka Mugalu - alikulembera ye Lubanga Moses Ssemulema Katangaaza.
(c) Essiga lya Kamyuka Kawenyera alikuuma ye Scout Bwabye.

1. ESSIGA LYA MBOGGA E NSUMBA-MAWOKOTA, EMITUBA GYAALYO N NNYIRIRI BYE BINO WAMMANGA:-

Obutakabwe buli Nsumba, Mawokota
Erinnya ly'Omutaka Mbogga: Akuuma ye Omutaka Yowakimu Kikambi.

Emituba egiri mu Ssiga lya MBOGGA giri esatu (3)

1. Omutuba gwa Kasenge e Kigo, agukulembera ye: C. Ntabazi
2. Omutuba gwa Kabanda e Mbute, agukulembera ye: Petero Lyazi Balyokwabwe
3. Omutuba gwa Nalika e Bukagolo agukulembera ye: Manuel Muyimb Nalika

Omutuba gwa KASENGE gulina ennyiriri 5:

| | | |
|---|---|---|
| 1. | Olunyiriri lwa Kasenge alukulembera ye: | Christopher Ntabazi |
| 2. | " " Matutu mu Kiwawo " | Matutu |
| 3. | " " Nankyama e Bukyama " | Eriya Muyimbwa |
| 4. | " " Serubende e Bulubende " | Ssalongo Mbogga |
| 5. | " " Lyazi e Kiwawo " | Samuel Lyazi |

Omutuba gwa KABANDA gulina ennyiriri nnya (4):

1. Olunyiriri lwa Mbalule e Kisawa alukulembera ye: Yozefu Mbogga
2. " Lukenembi e Kisamula "
3. " Bitumbira e Kanyike " Balyokwabwe
4. " Lusaaka e Kalongo- Bwanya, Ssingo- Jombwe Kamya
5. Olwa Kabanda mu Lwogero lukulemberwa: Fulansisi Ntabazzi

Omutuba gwa NALIKA gulina ennyiriri nnya (3)

1. Olunyiriri lwa Nalika e Bukalango alukulembera ye: Yozefu Kalagi
2. " Mbogga e Kikukumbi " Mbogga
3. " Mukusu e Namakwa " Kabanda-Mukusu Stanely

GANO GEGAMU KU MANNYA AGATUUMIBWA MU SSIGA LYA MBOGGA

| Abalenzi | Abawala | Abalenzi | Abawala |
|---|---|---|---|
| Ntabaazi | Nalyasi | Sendegeya | Nawambwa |
| Lyazi | Namuyimbwa | Sekaluvu | Alitubeera |
| Kasenge | Nansumba | Kimmanje | Nakayima |
| Kikambi | Namugenyi | Mmembe | Nalwoga |
| Muyimbwa | Namuganyi | Kabanda | Nannozi |
| Nywevu | Nambogga | Sewaali | Nkooye |
| Mbogga | Nalule | Nalikka | |
| Matutu | Nantabaazi | Serubende | |
| Nsumba | Nabaju | Jjombwe | |
| Sewambwa | Najjuuko | Semukuutu | |
| Sekaayi | | Bebutinde | |

2. OW'ESSIGA KAMYUKA MUGALU E GGUNDA - KYAGGWE

Obutakabwe buli Ggunda, Gombolola ya Ssabagabo, Kyaggwe. Erinnya ly'Omutaka Kamyuka Mugalu : Lubaga Moses. Emituba egiri mu Ssiga lya Kamyuka Mugalu giri munaana (8)

1. Omutuba gwa Kalume e Buwaga agukulembera ye: C. Ssebadduka
2. Omutuba gwa Wakibugu e Bukanga " Keziron Ntulume
3. Omutuba gwa Kyeswa e Kanyigo " Yona Kiwanuka Fumbe
4. Omutuba gwa Kiyanja e Nambeta " George Baina
5. Omutuba gwa Seruwale e Nambeta " Kyeswa Seruwale
6. Omutuba gwa Mbogo e Mulungu " Kaloli
7. Omutuba gwa Kiko e Bunango " Serwano Kiko
8. Omutuba gwa Gwayambadde " George Mukasa Gwayambadde

Omutuba gwa KALUME gulimu ennyiriri ttaano (5)

1. Olunyiriri lwa Mayale e Kibibi alukulembera ye: Kato Aloziyo
2. Olunyiriri lwa Wakite e Buwabi " Richard Ssebadduka
3. Olunyiriri lwa Kabonge e Bukeeke " Lameck Ssebadduka
4. Olunyiriri lwa Kalagala (Lugumira) e Lweru Kupuliyamu Lwondo
5. Olunyiriri lwa Namalere Ssebadduka Samuel Ssebadduka.

Omutuba gwa WAKIBUGU gulimu Ennyiriri musanvu (7)

1. Olunyiriri lwa Wakibugu e Bukanga alukulembera ye:
2. Olunyiriri lwa Muyirima " " Kezekiya Mukasa
3. Olunyiriri lwa Mbogo Ekaya " " Eriyazali Katantazi
4. Olunyiriri lwa Nalubongoya " " Kyeswa Kositante
5. Olunyiriri lwa Ajoki " "
6. Olunyiriri lwa Sekisaka " " Gidiyoni Wakibugu

Omutuba gwa KYESWA e Kanyigo gulimu ennyiriri nnya (4)

1. Olunyiriri lwa Nawolovu alukumbera ye: Eriya Kiyaaya
2. Olunyiriri lwa Kikobera " " Musisi Muwemba
3. Olunyiriri lwa Kisimu Nakimengula " Luyimbazi Mugalu
4. Olunyiriri lwa Sendigobe " Sekalega

Omutuba gwa KIYANJA gulimu ennyiriri ttaano (5)s

1. Olunyiriri lwa Kamwezi Semwangu alukulembera ye: Kefa Mukasa
2. Olunyiriri lwa Musu " Joswa Kulunga
3. Olunyiriri lwa Tuzi e Musomoko " . Joseph Mulamula
4. Olunyiriri lwa Senjule " Muhamudu Kasambwa
5. Olunyiriri lwa Kabazi " Kabazi

Omutuba gwa SERUWALE e Nambeta gulimu ennyiriri mukaaga (6)

1. Olunyiriri lwa Muteza alukulembera ye: Kefa Mbowa Diiro
2. Olunyiriri lwa Kyobe " " Abiyasali Kyeswa
3. Olunyiriri lwa Muzira " " Mugalu Kinyozi
4. Olunyiriri lwa Mujulwa " " Kefa Lukerenge
5. Olunyiriri lwa Ntanda " " Manuel Kyeswa

Omutuba gwa MBOGO- EKAYA e Malungu gulimu ennyiriri musaanvu (7)

1. Olunyiriri lwa Mbogo-Ekaya alukulembera ye:
2. Olunyiriri lwa Kyonjo " " Fred Bakawa
3. Olunyiriri lwa Balimuttajjo " " Kabugo
4. Olunyiriri lwa Kigere " " Semasitiyane Kaziba
5. Olunyiriri lwa Senjule " "
6. Olunyiriri lwa Nkunja " " Kaziba Mutto Zerubaberi
7. Olunyiriri lwa Sewuba " "
8. Olunyiriri lwa Kaziba " "
9. Olunyiriri lwa Sekisaka " "

Omutuba gwa KIKO e Bunango gulimi ennyiriri 12 zeezino:

| | | | |
|---|---|---|---|
| 1. | Olunyiriri lwa Kiko-Bunnango alukulembera ye: | | Mwejusa-Kikae Mpererwe |
| 2. | " lwa Giri e Zzitwe | " " | Yovane Salongo Nsaabwa |
| 3. | " lwa Mbalaga Mayugwe | " " | Fenekansi Kyobe Gulama. |
| 4. | " lwa Namumwa e Nsita | " " | Mpinduuka George |
| 5. | " lwa Kkuta - Kirinya | " " | Erukana Mulinda |
| 6. | " lwa Kiyonga-Bugaya | " " | Andereya Kadali |
| 7. | " lwa Kataate-Bunnango | " " | Tomasi Mukasa |
| 8. | " lwa Dagane-Kyesimba | " " | Duka/ Mwangu,Bunango |
| 9. | " lwa Kazuula | " " | Ahamada Katantazi |
| 10. | " lwa Luyimbula-Bannango | " " | Ssebaduka/Kaddu, Namugongo. |
| 11. | " lwa Lukwanzi Nkumala | " " | Jackson Luyombya-Manyangwa. |

Omutuba gwa GEORGE MUKASA GWAYAMBADDE gulimi ennyiriri (6)

| | | | |
|---|---|---|---|
| 1. | Olunyiriri lwa Kanantebya alukulembera ye: | | Zaviriyo |
| 2. | " lwa Taguyisiza | " " | Yakobo Wasswa |
| 3. | " lwa Sibasoboke | " " | Wasswa |
| 4. | " lwa Dayida | " " | Musa |
| 5. | " lwa Zinabala | " " | Zidoolo |
| 6. | " lwa Muyimbwa | " " | Mizingo |

GANO GEGAMU KU MANNYA AGATUUMIBWA MU SSIGA LYA KAMYUKA MUGALU

| Abalenzi | Abawala | Abalenzi | Abawala |
|---|---|---|---|
| Kyeswa | Namuswe | Kiko | Nabweteme |
| Mbowa | Nambowa | Namalere | Nakyotiba |
| Kyasima | Bulyaba | Ntulume | Kayaga |
| Ssebadduka | Nakafu | Katantazi | Nanozi |
| Lubanga | Nalule | Luyimbazi | |
| Lutimba | Nakamyuka | Kiyaaya | |
| Mugalu | Kiwuka | Sekalega | |
| Wakibugu | Batwawula | Mulamula | |
| Mbogo | Bakyazi | Lukerege | |
| Kaziba | | Kyamaggwa | |
| Kisubika | | Tenywa | |

3. OW'ESSIGA KAMYUKA KAWENYERA E KIRINGO, KYAGGWE

Obutakabwe buli Kiringo, Gombolola ya Ssabagabo Kyaggwe. Erinnya ly'Omutaka Kamyuka Kawenyera: Ye Paulo Gwaloka Bwabye.

Emituba egiri mu Ssiga lya Kamyuka Kawenyera giri etaano (5)

| | |
|---|---|
| 1. Omutuba gwa MAYOBYO e Lugomba. agukulembera ye: | James Mayobyo |
| 2. Omutuba gwa Sensawo e Lugenda agukulembera ye: | Richard Kironde |
| 3. Omutuba gwa Kyalula e Kikutu agukuuma ye: | Yowasi Kirutwe |
| 4. Omutuba gwa Muluta e Suggu agukulembera ye; | Ali Mugenyi |
| 5. Omutuba gwa Nkolongo agukulembera ye: | Bwabye Yolovansi |

Omutuba gwa MAYOBYO e Lugomba gulimu ennyiriri ttaano (5)

| | | |
|---|---|---|
| 1. | Olunyiriri lwa Mukuuma alukulembera ye: | Bwabye Mukuuma |
| 2. | Olunyiriri lwa Wadda " | Wadda |
| 3. | Olunyiriri lwa Luwuta e Ngezi " | Lubanga |
| 4. | Olunyiriri lwa Mugambwa e Wakitaka ye: | Sekabira |
| 5. | Olunyiriri lwa Wadda e Kalya | Mako Makabano. |

Omutuba gwa SENSAWO e Lugenda gulimu ennyiriri ssatu (3)

| | | |
|---|---|---|
| 1. | Olunyiriri lwa Muwone e Sanganzira alukulembera ye: | Muwone |
| 2. | Olunyiriri lwa Kikongo e Mulole " | Kanyamalu |
| 3. | Olunyiriri lwa Muluuta e Butale " | |

Omutuba gwa KYALULA e Kikutu gulimu ennyiriri ttaano (5)

| | | |
|---|---|---|
| 1. | Olunyiriri lwa Kawanga e Kikutu alukulembera ye: | Buyego |
| 2. | Olunyiriri lwa Busiro e Kigule " ye: | Muyingo |
| 3. | Olunyiriri lwa Nsozi e Namakere " ye: | Nsozi Zayidi |
| 4. | Olunyiriri lwa Nasebwami e Kitala alukuuma ye: | Peter Serwanga |
| 5. | Olunyiriri lwa Bisiwa e Lyalo alukulembera ye: | Bwabye Mukasa Salongo. |

Omutuba gwa MULUUTA e Suggu gulimu ennyiriri ssatu (3)

| | | |
|---|---|---|
| 1. | Olunyiriri lwa Bulema e Suggu alukulembera ye: | Wamala |
| 2. | Olunyiriri lwa Lukoma e Lweru " " | Hajji Lukoma |
| 3. | Olunyiriri lwa Bunya e Suggu " " | |

Omutuba gwa NKOLONGO e Nsanvu gulimu ennyiriri 4 zeezino:

| | | |
|---|---|---|
| 1. | Olunyiriri lwa Kijagu e Nsanvu alukulembera ye: | |
| 2. | Olunyiriri lwa Kidibye e Suggu " " | |
| 3. | Olunyiriri lwa Musumba e Bugaya " " | Lumala |
| 4. | Olunyiriri lwa Kizza Mukasa " " | Buteyongera |

GANO GEGAMU KU MANNYA AGATUUMIBWA MU SSIGA LYA KAMYUKA KAWENYERA

| Abalenzi | Abawala | Abalenzi | Abawala |
|---|---|---|---|
| Busenze | Bafukanyi | Kigonya | Kirembe |
| Bwabye | Bakyese | Kirindi | Kiwuka |
| Ggoobi | Bakiyiga | Kisule | Kyotiba |
| Kawenyera | Batoma | Kyefulumya | Mbowonye |
| Kaboyera | Batwawula | Lufuga | Nabweteme |
| Kakumba | Batwenda | Lubanga | Nawabye |
| Katulugu | Bayigga | Lubandi | Nalubanga |
| Kitenda | Bulya | Luzinda | Nalule |
| Kitengejja | Kayaga | Makabano | Nalwanga |

| Abalenzi | Abawala |
|---|---|
| Maube | Ndyabuno |
| Maluma | Namuswe |
| Mabuzi | Namubiru |
| Mubiru | Namugwe |
| Nkulube | Nakamyuka |
| Njuki | Namukundi |
| Nsozi | Namukwero |
| Sebide | Namirembe |
| Sssakebyuma | Namutunulo |
| Sempa | Namaube |
| Wandyaka | Tama |
| Yinda | Wujja |
| | Nganda |
| | Batera |

## GINO GY'EMIRIMU GYAFFE ERI KABAKA NE MU LUBIRI

| | | | |
|---|---|---|---|
| 1. | MAZIGE | : | Alunda Ente Mbulidde Kabaka mwanya amata. |
| 2. | MUKUSU e Nakisunga Kyaggwe | : | Akomaga Embugo za Kabaka |
| 3. | LUKWANZI | : | Akuuma Nnalundo n'okwaliira Ekiwu. |
| 4. | KYALULA | : | Ono aggala Oluggi Lubanga era ava wa Kawenyera. |
| 5. | SERUWALE | : | Ono yasiba Kabaka Endonda. |
| 6. | KISENYI | : | Ono yafuuyira Kabaka Endere |
| 7. | MUKUSU | : | Ono akuuma Ensaamu ne Kiremba |
| 8. | KASENGE | : | Ono yaavunaanyizibwa okuzimba Ennyumba "Masengere" mu Lubiri e Bamunanika. |
| 9. | MBOGGA SERUBENDE | : | Ono yakuma Ekyooto "Njotavvu" era yakuuma n'Embazzi Mutemanduli. |
| 10. | OMUMBOWA | : | Munoba Mugalu. |

11. **AK'OBULENZI TOKAWEERA MPINDI MUNGALO**

Abaganda bonna beyambisa nnyo ekika ky'empindi okubuulirira abakyala okwekuumira kumpisa ennungi, okussa mu buli muntu ekitiibwa obutamuyisaamu maaso. Kubanga akalenzi ke wayisaamu amaaso kati kekatutte muwalawo okumuwasa.

12. **EMPINDI ZAAFA-EGGOBE MU MUTWALO**

Abaganda bonna bakisanga nti okuggyako ekisangibwa mu kika ky'empindi okufiirwa ate noba nga ky'osuubirayo okifuna, okuggyako oyo alimye empindi kubanga singa zigaana okubala nezifa naye lyo eggobe oba walinoga dda nga liri mumutwaalo.

13. **OBUDDE BWA KINNYIKA GGOBE**

Enjogera eno yakwata nnyo abaganda omubabiro era nga yeyambisibwa nnyo okulabula naddala kumbeera y'obudde buli omu atere yesalire amagezi nga abasajja ffe gebasala nebalima empindi nnyingi, kwe kunoganga e ggobe ne balitereka enkuba ne bweyatonnyanga nezibya nebatasobola kugenda kunoonya nva nga bawanula nga bannyika ggobe kulya mmere.

Nga mmaliriza, nebaza Nnamugereka eyagereka ekika kyaffe eky'Empindi ebigambo ebirungi eby'amakulu byatayinza kusanga mu bika bya Buganda 52 kyebava batujjirako enkufiira nga bagamba nti "OMUZIRO OMULUNGI MPINDI".

Nkubiriza buli muziranva okufuba okuyiga ENKULUZE Y'OBUGAGGA N'AMAKULU MU KIKA KY'EMPINDI.

.............................................